December 30

Okusseekimu Okutuukiridde eri Okusiima kwa Katonda

"Yesu Kristo jo ne leero aba bunzu n 'okutuusa emirembe n 'emirembe;" Abaebbulaniya 13:8.

Muganda wange ne mwanyinaze, twetaaga okukuumira mu maaso gaffe eky'okulabirako eky'obutuukirivu bwa Kristo. Bwe tukkiriza ebirowoozo byaffe okwemalira ku butali butuukirivu obw'abalala, emitima gyaffe gyennyini, gyijjuzibwa ekizimbulukuswa eky'obubi.

Okufuba kwaffe okubuulira amazima ag'ekiseera kino eri ensi, kujja kusisinkana emiteeru nfaafa, naye bwe tunakuuma omutima n'amagezi nga biri ku Mulokozi, bwe tunaayogeranga ku kwagala kwe n'amaanyi, ebitutabula bijja kumalibwawo, era tujja kubeera basanyufu mu bukakafu obw'okwagala okw'Omulokozi. Tetwesigama ku nsi na kukyukakyuka kwayo. Oyo atuulamu okutuukirira kw'omutwe ogwa Obwakatonda mu mubiri, era mu Oyo omukwekeddwa obugagga obw'amagezi n'okumanya, lye ssanyu n'entikko ey'okujaguza, emirembe gyaffe, amaanyi gaffe, n'okumatira. Kale tujaguze, si nsonga kiki ekiyinza okubaawo, munda Oba ebweru.

Tugwanidde okufuna ekigera eky'ekisa kya Kristo okuyinza okutuula wamu mu kwagala n'obumu mu bulamu buno, Oba si ekyo tetuyinza kutuula wamu mu bulamu obulijja. Ngezaako okulaga abantu baffe obwetaavu obw'obumu Kristo bwe yasabira. Omutima gugwanidde okunyweezebwa ku maanyi n'obuyinza obw'Ekigambo kya Katonda. Kristo, ekyokulabirako kyaffe ekituukiridde, bulijjo abeerawo gye tuli. Eri ye tuyinza okunoonya ekisa olw'okuvvuunuka buli nsobi.

Tugwanidde okwetegekera olunaku olukulu olwa Katonda nga tukola kaweefube buli lukya mu bulamu buno okukakasa empisa ezitulagibwa mu bulamubwa Kristo. Twayitibwa ye okubeera abakiise be. Tuli baana ba Katonda. Mu kuzaalibwa Mwoyo tufuuka abaana ab'obulenzi n'abobuwala. Tuli baakutambulira mu kusseekimu n'okwagala, nga twolesa kyali mu bulamu bwaffe n'empisa.

Okusseekimu okutuukiridde eri okwagala kwa Katonda ke kakwakulizo kwe tuweerwa obulamu obutaggwaawo. Mukama abawe omukisa, muganda wange ne mwanyinaze, abakulembere, mu Kigambo kye, okuyita mu kumanya okw'Ekigambo kye, okutuukiriza ok-utegeera okw'okwagala kwe gye muli.

— Letter 96, Dec. 29, 1911, to Mrs. J. J. Gravelle, a laysister in North Dakota

December 30

Tambulira mu bigere bya Yesu

"N'awa omu ettalanta ttaano, omulala bbiri, omulala emu; buli muntu ng'obuyinza bwe bwali; n 'agenda, " Matayo 25:15.

Soma endagiriro esangibwa mu Matayo 25:14-46. Geraageranya endagiriro eno n' obulamu bwo ng' omuntu. Kale buli muntu aggyewo okwewaana. Katutambulire mu bigere bya Kristo mu bwetoowaze bwonna obw'okukkiriza okw'amazima. Katweggyeko okwekkiririzaamu kwonna, nga twewaayo ffenna, buli lunaku ssaawa ku ssaawa, eri Omulokozi, nga tweyongera okuweebwa ekisa kye n'okukigabana [n'abalala]. Mbeegayirira abo abaatula okukkiririza mu Kristo okutambula nga bawombeefu mu maaso ga Katonda. Amalala n'okwegulumiza bya muzizo gyali. "Omuntu bw' ayagala okujja ennyuma wange," Kristo ategeeza "Yeefiirize yekka yeetikke omusalaba gwe, angoberere." (Matayo 16:24). Abo bokka abawulira Ekigambo kye b'ajja okutwala okubeera abamukkiriza. "Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, bebakkiriza erinnya lye: abataazaalibwa musaayi, newakubadde okwagala kw'omubiri, newakubadde okwagala kw'omuntu, naye abaazaalibwa Katonda" (Yokaana I : 12, 13). "Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli." (Olunyiriri 14). Nga kukka wansi okw'ekitalo! Omulangira w'eggulu, Omuduumizi ow'eggye eryomu ggulu, yakka wansi okuva mu kifo kye ekya waggulu, ne yeyambulako ekyambalo kye ekyobulangira n'engule nga Kabaka, n'abikka ku bwakatonda bwe n'omubiri ogwobuntu, ayinze okufuuka omuyigiriza ow'eggulu eri ab'amadaala gonna ag'abantu, era yatambulira mu bulamu obutaalimu kibi na kwerowoozako mu maaso g' abantu, okuyita mu kisa kye, bayinze [okuwangula].

"Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa omu yekka Kitaffe), ng'ajjudde ekisa n' amazima." (Olunyiriri 14). Tendereza Katonda olw'ebigambo bino ebyewuunyisa. Obusobozi obubirimu kyenkana bulabika okusukkuluma kye tuyinza okutegeera, era bulinnya ku nfeete obunafu bwaffe n' obutakkiriza bwaffe. Ntendereza Katonda nti nnyinza okulaba Omulokozi wange olw'okukkiriza. Omutima gwange gwaniriza ekirabo ekinene. Essuubi Iyaffe lyokka mu bulamu buno kwe kuleegulula omukono ogw'okukkiriza, ne tukwata ku mukono ogukunukidde gye tuli okutulokola. "Laba, Omwana gw'endiga gwa katonda, aggyawo ebibi by'ensi." (Olunyiriri 29). Bwe tuggya amaaso ku ffe ne tugazza eri Yesu, nga tumutwala okubeera Omubeezi waffe, ensi yandirabye mu makanisa gaffe amaanyi g' etalaba kati.

—Manuscript 166, Dec. 30, 1905, "Aggressive Work to Be Done.

December 31

Tokkiriza Kintu Kyonna Kukuwugula

"Naye kimu kye nkola, nga nneerabira ebyo ebiri ennyuma, era nga nkunukiriza ebyo ebiri mu maaso, nduubirila okutuuka awawakanirwa awali empeera eyokuyita kwa katonda okwawagulu mu kristo yesu."Abafiripi 3:13:14

.

Tokkiriza kintu kyonna okukuwugula okuva mu kkubo eryokwegaanyisa. Eri abo mu biro ebyedda abeetaba mu kuvuganya okw'embavu ez'omubiri, tusoma "Era buli muntu awakana yeegendereza mu byonna. Kale bo bakola bwe batyo balyoke baweebwe engule eyonooneka, naye ffe etayonooneka" (l Abakkolinso 9:25). Nga bwe twenyigira mu lutalo olunene, katulowooze ku bye tujja okufiirwa singa tulemwa. Tujja kufiirwa obulamu obutaggwaawo obwatugulirwa omusaayi gw' Omwana wa Katonda. Kale OIWO, tuneeyongera okumwelugunya Olw' okubeera nti kitwetaagisa okusitaana okubeera obulindaala ku byobutaggwaawo? Bwe tukola kyonna ekisoboka mu maanyi gaffe okuziyiza obubi n'okuvvuunuka emiziziko, tujja kufuna obuwanguzi. Amaanyi gaffe gajj a kuvaamu empeera olw' akaweefube gwe tutaddemu okutabakanira engule ey'okuyitibwa kwaffe okwa waggulu mu Kristo.

Ebisikiriza eby'ensi bijja kuleetebwa mu maaso gaffe okutuwalula okuva ku Yesu Mukama; naye mu kweggyako buli kizitowa n'ekibi ebyanguwa okutwekiika, tugwanidde okutambula nga

tugenda mu maaso, nga tulaga ensi ne bamalayika, n'eri abantu essuubi ery'okulaba amaaso ga Katonda ligwanira okufuba kwonna n'okwerekereza okusaanira okufuna essuubi lino "Naye kimu kye nkola, nga nneerabira ebyo ebiri ennyuma, era nga nkununkiriza ebyo ebiri mu maaso, nduubirira okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu." (Abafiripi 3:13, 14).

"Kimu kye nkola." Paulo teyakkiriza kintu kyonna kumuwugula ku kiruubirirwa ekikulu eky'obulamu bwe. Mu kusitunkana okw'emirimu egy'obulamu,

teyafiirwako kifaananyi eky'omugaso gwe omukulu — okugenda mu maaso ng'ayolekera okuwakanira engule ey'okuyitibwa kwe okwa waggulu.

Kale ebiruubirirwa ebikulu ebyawaliriza Paulo okugenda mu maaso wakati mu bizibu n'emiteeru bibayinzise okwewaayo mu bujjuvu eri obuweereza bwa Katonda. Buli kyonna omukono gwammwe gye kulaba okukola, mukikole n'amaanyi gammwe. Mukole omulimu gwammwe nga gusiimibwa n'ennyimba ez'okutendereza. Bwe mubeera baakulabika awatali kyakunenyezebwa mu bitabo eby' eggulu, temwekubagizanga Oba okwejjusanga. Essaala yo buli nkya k'ebeere: "Mukama nnyamba okukola ekitundu kyange n'amaanyi gange gonna. Njigiriza okukola omulimu ogusingako obulungi. Ngabira amaanyi n' okusanyuka. Nnyamba okuleeta mu buweereza bwange omukwano ogw'obuweereza bw'Omulokozi.„